KABAKA -- SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by rambuka - 2008/01/16 02:44

KULIKA AKABJE KE MOTOKA....WANGALA SABASAJJA .

==========

Re:KABAKA -- SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by Mirembe2007 - 2008/01/16 04:24

Katonda yalonda Kabaka era namuwa obuvumu okufuga abantu yonna jaba amulondedde ebitabo bwebitutegeeza.Kabaka nebwebaba bekobanye okumukola akabi nga Katonda akyasiima emilimuje bababatawanila bwerere buli kisera abaako abakuumi botasobola kulaba namaaso gano agabulijo kale nakabenje akamwegezezamu kabadde kabonero kalaga abo abagala okumuwalampa nti byonna ajja kubisimatuuka.Ekyo ekyabaddewo Kumutanda kilage era kabeere akabonero neri abo abamuvuga nti Amaanyi ga Mukama gegamukuuma bulijo kubanga Mulonde.Awangaale Ssabassajja Kabaka Afuge Obuganda.

==========

Re:KABAKA--SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by JeenaJulia - 2008/01/16 09:37

Your words are so pregnant with meaning..Mirembe Mirembe daala Mirembe gya wagulu.Malayika yagamba dala mirembe gya wagulu....Akayimba ako.Awangale Sabasajja Kabaka.

==========

Re:KABAKA -- SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by Balyokwabwe - 2008/01/16 10:01

Wangala Ayi Ssabasajja Kabaka wa Buganda Muwenda Mutebi !. Kulika accident lisso ddene ayongere okukuma olamure OBUGANDA obuli

mu katyabagga olw' ettaka lya BUGANDA nokugezako kwaba BASSERWAJJA OKWOTA otufula EMOMBOZE mu Nyaffe BUGANDA.

Gwe Musota ! Gwe ccucu ! Gwe Magulu nnyondo! , Gwe nantadwamu ! Gwe Mazima ga BUGANDA ! Gwe Benne ! Gwe MWENYANGO alikukwatako Gulimwokya ! Ali kwanganga agenda kuffa nga yefunye,yezinze nga gongolo ng'abunna Mawanga nga OBOTE !!

Wangala Ssabasajja Kabaka ofugge OBUGANDA nga bajjajabo bwebakola !

==========

Re:KABAKA -- SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by Meli - 2008/01/16 10:25

Nzijukira nga maama wange eyangamba nti Kabaka tabeera ssebo!! Akimanyiko atuwabule.

Katonda akuume omwana we ngoma, awangaale ayiite mu mayengo gonna nobuwanguzi. Amiina.

==========

Re:KABAKA- - SABASAJJA WANGALA SEBO

Posted by Mirembe2007 - 2008/01/16 14:07

Kabaka bamwatula nti Ayi Ssabassajja oba Ayi Kabaka abembejja bebabeera bassebo okubawuula kubakyala ababulijjo nabaamibe babeera bassajja ba Kabaka olwekitibwa kya Kabaka kyaba nakyo tayatukilizibwa ngamuntu wabulijjo.Ekitibwa ekya Kabaka kyo kyanjawulo nnyo era alina okukiwebwa mubujuvu kuba Katonda yeyakimuwa.Ayi Ssabassajja Wangaala.

==========